# Ssenga ayokezza omwana wa mwannyina n'afa lwa mitwalo 10



Nakatudde bwe yabadde akyajjanjabwa mu ddwaaliro e Kiruddu.

Bya EDWARD LUYIMBAAZI

OMUYIZI e Namutumba agambibwa okwokebwa ssengaawe ng'amulanga okubba emitwalo 10, afiiridde mu ddwaaliro e Kiruddu!

Hadijah Nakatudde, 12 ng'abadde muyizi ku Minaani Primary School e Busembatya Namutumba ye yafudde olw'ebiwundu bye yafuna nga kigambibwa nti ssengaawe Nnaalongo Janidah Nabirye yamuyiira amafuta n'amukumako omuliro.

Nasulu Musobya omutuuze w'e Mbuya e Nakawa agamba nti omwana ono wa mwannyina Abdul Kasango era yali abeera ne nnyina, Sharon Namusobya kyokka bwe baawummula, Nabirye yamusaba agende awummulire ewuwe e Wakitaka - Jinja nga yali amusuubizza n'okumuweerera.

Kyokka ku Lwomukaaga nga January 10, 2026 baategeezebwa baliraanwa ba Nabirye ng'omwana ono bwe baali bamusibidde mu nnyumba oluvannyuma lw'okwokebwa era ne basitukiramu okumutaasa.

Musobya agamba nti, Nakatudde baamusanga mu mbeera mbi ng'ayidde omubiri gwonna. Bwe baamubuuza ekyali kimutuuseeko, yagamba nti ssengaawe yamuyiiridde amafuta n'amukoleezaako omuliro! Nakatudde yabategeeza nti, yalaba obulumi bumutta, yaddukira mu ntebe kyokka ssenga bwe yalaba ng'entebe ze zitandise okuggya, n'amuyiwako amazzi (okutaasa entebe ze!)

"Oluvannyuma yansibira mu nnyumba n'aŋŋamba nti, okunkumako omuliro, annanga kubba ssente emitwalo 10 kyokka sibbanga ku ssente ze," omwana Nakatudde bwe yategeeza.

Musobya ayongerako nti, baamuddusa mu ddwaaliro ly'e Iganga kyokka embeera yeeyongera kutabuka okukkakkana nga babasindise mu ddwaaliro e Kiruddu, Nakatudde gy'amaze wiiki emu yokka n'afa.

Nnaalongo Nabirye yakwatibwa n'asibibwa ku poliisi ya CPS e Jinja gye baggulirawo omusango gw'obutabanguko mu maka ku fayiro SD REF:29/09/01/2026 ku Poliisi y'e Bugembe.

Omwogezi wa poliisi owa Kiira Region, James Mubi yategeezezza ng'ensonga zino bw'azimanyiiko n'asuubiza okuzirambulula ng'avudde mu lukiiko lwe yasangiddwaamu.